

Ssebuguzi (emabega wa mukyala we) n'abamu ku bammemba ba 'Ssebuguzi Rally Team'.

# 'Abazadde temusuulirira baana'

Bya NICHOLAS KALYANGO

FAAZA Samuel Kaboggoza owa Klezia ya St. Matia Mulumba ku Old Kampala, ajjukizza abazadde obuvunaanyizibwa bwabwe mu kuyitimula ekitone ky'abaana.

Bino Fr. Kaboggoza, yabyogedde ayimba Mmisa y'okwebaza eyategekeddwa omuvuzi wa mmotoka z'empaka, Ronald Ssebuguzi nga yeebaza Katonda olw'obuwanguzi bwe yatuusizza ku ttiimu ne ffamire ye omwaka guno.


Fr. Kaboggoza

"Omuzadde kitundu kinene mu kutumbula ekitone ky'omwana. Abaana bano ba kyampiyoni kuba Ssebuguzi teyeefaako yekka. Buli muzadde kino akitwale nga eky'okulabirako kuba ne Bayibuli erina w'ekyogererako. Buli lw'okuza ekitone ky'omwana, oyamba n'eggwanga okumanyika," Fr. Kaboggoza bwe yagambye.

Ssebuguzi, yawanguddde engule ya mmotoka n'ayingira ebyafaayo nga owookuna ku baali bagitutte emirundi 4. Yeegasse ku Sam Ssali, Charlie Lubega ne Jas Mangat. Abaana be baawangudde eza ddigi nga Gift Ssebuguzi yatutte mu mutendera ogwokusatu (MX125) ate Ronieta Muganzi n'awangula ey'abato. Rogers Ssebunya ne Swansi Şambo (bali mu ttiimu ye) nabo baawangudde engule mu ddigi.

# Ab'e Nsasa battunse

Bya SAMSON SSEMAKADDE

ZANDE zooni eyongedde okulaga amaanyi mu mizannyo gya zooni z'omu kitundu kya 'New Nsasa Estate' ekisangibwa e Nsasa mu munisipaali y'e Kira, bwe baasitukidde mu kikopo omulundi ogwokubiri ogw'omuddiring'anwa.

Guno gwabadde mulundi gwakusatu ng'empaka zino zitegekebwa ng'ezaasooka zaawangulwa Teso Zone mu 2023. Zande yawangula ekikopo kyayo ekyasooka mu 2024.

Ssentebe w'ekitundu kino Simon Peter Kavuma yagambye nti, "Ekitundu kyaffe kirimu ennyumba nga 800, nga ziri mu zooni 9 era abatuuze baasala buli mwaka okwenyigira mu mizannyo egy'enjawulo nga gino gituyamba okwegatta n'okwemanya ng'abatuuze b'omu kitundu."

Empaka zaabadde ku Supotsu Complex e Nsasa nga Zande yakung'aanyizza obubonero 123, n'eddirirwa Teso (114), Riverside West (87), Riverside East and Hill View (77), Central (75), ne Pioneer ku 36.

Riverside West, ye yasitukidde mu kikopo ky'omupiira nga bakubye Teso (12-11) eza peneti oluvannyuma lw'okulemagana (0-0) mu 90. Zande yawangudde